| Essomo 1 | الدرس الأول |
|---|---|

# OKULAMULA OKUKWATA KUBYOKULYA

Yalagila Allah abaddube okulya ebintu ebirungi era nabaziyiza okulya ebintu ebibi nga bwagamba Allah musurat baqara ata 182
Agamba Allah abange mwe abakkiliza mutye mubintu ebilungi byambagabidde.
Nga nensibuko yebiliibwa ensibuko yabyo byonna bikkirizibwa okujjako ebyo ebibeera byawadwamu nti biyiziddwa, kuba allah yakkiriza abaddube abakkiriza ebintu ebilungi babeere nga beegasa nabyo, bwekityo tekikkirizibwa kweyambisa byengera bya Allah muntu kubikozesa mukumujooga, era yanyonyola Allah abaddube ebyo byeyabaziyiza mubiliibwa nemubinywebwa, nga bwagamba mu suratu aniam aya 119 agamba nti.
Agamba Allah nti: mazima mwanyonyolwa ebyo ebyabaziyizibwa okujjako ebyo byemubeera mukakiddwa kubyo.
Kitegeeza nti ebyo byonna ebibneera bitanyonyodwa nti bili haraam bibeera halaali
Era kyava agamba omubaka swalla Llaahu alaihi wasallama muhadih eyawandikwa.
Twabaran egamba nti.
Agamba omubaka swalla Llaahu alaihi wasallama nti mazima Allah yalaalika amateeka temugeza nemugasuula muguluka, era nassaawo ensalo temuzisukka naziyiza ebintu temubyebagala, nasilika kubintu ebimu nga ku saasilakwe gyemuli wabula nga teyelabidde bwelabizi kale temubinonyelezaako (temubinonooza)
Nolwekyo buli kyonna kyatanyonyola allah wadde omubakawe swalla Llaahu alaihi wasallama bwa haraamu bwakyo mubiliibwa nebinywebwa nebyambalwa, tasaana kuvaayo muntu yenna nabiharamisa, era nga qaaidah bwegamba nti buli kintu kyonna ekiliibwa nga nobutukuvu kitukuuvu era nga nakabenje akadda eri omuntu nga akikozesezzza kiba kikkirizibwa.
Obutafanana nga byakulya bili nagisi oba ebiyina akabenje nga ekintu ekifudde kyokka nomusaayi nomwenge nesigala nekinagisiwavu ekyo ekyetabiseemu enagisi ebilinga ebyo bibeera haraam kuba bibi era ebiyina akabenje.
Ekintu ekifudde kyokka kiba haraam era kyekyo ekifudde nga tekisaliddwa musnala eyobusilamu. Era nomusaayi gwemusaayi ogwa kalanamye gwebajje oba gwebalembese okuva mukisolo ekyo ekitasalidwa, wabula gwo ogusigala munyama oluvanyuma lwokusalwa nogwo okusigala mumisuwa gyekisolo ogwo gukkirizibwa.